# Eby'okukola okuyambako okuyiga ebintu eby'enjawulo n'omwanawo Kiggala nga muliwaka

Teekawo embeera omwanawo mwasobolera okuyigiramu mu mbeera eyabulijo. Okulaga omwanawo engeri y'okunaaba mungalo mubutuufu, era n'okugezaako okunnyonyola lwaki, kiba kirungi ng'okusoma okuva mu kitabo. Waliwo amakubo mangi a'gomugaso agasobola okuyamba okuzimba omwana ng'akula mubulamu bwe.

› Okubala ebintu n'okulaga emiwendo ng'okozesa engalo.

› Okunyonyola omwanawo ebirungo era n'engeri gyebikyukamu mu kufumba.

› Okubulila omwanawo amannya g'emiti ,ensozi, emigga, ebibala, envaendirwa , ebisolo oba ebinyonyi era n'okukiriziganya ku kabonero. Oba okunnyonnyola, okukwatako, okulozaako oba okuwunyiriza buli kimu, okuyiga langi, ekikula , endabika , n'empunya obaenfaanana y'ekintu.

› Okuyambako omwanawo okusobola okulonda enyukuta z'erinnya lye.


› Okubasomesa okubala obudde


# By'olina okukolera omwana omuto kiggala era n'oyo awulira mukusomera awaka

## Okwolesa ebitone

Kuba ebifananyi by'ebintu oba ebisolo ku lupapula mu musennyu oba kuttaka. Osobola okweyambisa ekifananyi okuva mu katabo okufuna eky'okulabirako singa oba okalina. Ekifananyi ky'ekintu ekyo kikube era kidemu emirundi n'gena oba etaano. Bwobanga okuba ebifananyi, gezaako okulaba ng'obikuba nga byebimu okujjako kyusamu ekimu kubyo. Okugeza, singa oba okuba ekifananyi ky'embwa pba eky'enjovu, ekimu kirina okubeera n'omukira omuwanvu ebirala ng'emikira mimpi.

- Amatu gafanagana?
- Kuliwa okw'enjawulo?
- Obugazi bwe bumu?





## Okuddako emabega nate

Kuba ekifananyi ekyangu oba oyinza okweyambisa eky'omulupapula lw'amawulire oba okuva mukatabo.Ekifananyi ekyo kisaleko wagulu era ogambe omwana okugezaako okubigata era akizeewo nga bwekyabadde kinno kikole mungeri ey'akakunizo.Oba kuba ekifaananyi kya kappa oba ekisolo ekirala nga tekyeyoreka nnyo era osaleko akatundu. Gamba omwanawo agezeeko okukuba ekintundu ky'ekifaananyi ekiba kibulamu.



# By'olina okukolera omwana omuto kiggala n'oyo awulira nga basomera awaka

## Ebintu ebibulamu

Kunganya wamu ebintu ebyenjawulo okwetoloola awaka oba munimiro era obiteekewamu. Awo gamba omwanawo abitunuulire era atandike okukwogera erina lya buli kintu. Omwana musabe azibirize oba akyuke atunule awalala, era awo jjawo ekimu ku bintu .Gamba omwana addemu abitunulire olabe oba asobola okukujjukira ekintu ekitaliimu.Buuza omwanawo bikinebibulamu. Osobola okwongera okukalubyamu ng'oyongeramu ebintu ebirala mu kazanyo. Era kanno kazanyo kalungi okusobola okuzanya n'omwanawo nga naye bwajjawo ebintu nga naawe bw'otebereza ebibulamu . Kino kijja kuyamba okwongera empuliziganya n'omwanawo era kijja kubayamba okuyiga ebigambo n'obubonero obuppya.

## Okuwa ebintu amannya

Eno engeri nnungi nnyo okuyamba abaana okusobola okugerageranya ebigambo n'obubonero ku bintu. Osobola okuleetawo ebigambo ebinnyonnyola okugeza ng'entebe entono," "emeza ennenne", "n'ettala eyaka bbulu" Gezaako okuleetayo obubonero n'okugeza ebintu ebyenjawulo bw'oba tomanyi lulimi lwa bubonero olwebigambo ebyo. Oba singa omwanawo kiggala abeera ng'ayiga olulimi lw'obubonero kusomero awo mubuuze akulage obubonero. Bwaba ng'omwanawo mwetegefu okutandika okuyiga okusoma n'okuwandiika, awo osobola okumugamba okuwandika ebintu by'awaka ebyenjawulo. Kinno kijja kubayamba okuyiga okuwandiika, okutereeza n'okuyiga ebigambo ebipya.

## Okwataganya emiwendo

Kubawo saako mu musenyu oba kulupapula era owandiikeko ennamba okuva 1 okutuuka 10 ku buli saako. Kunganya wamu ebintu ebyenjawulo ( okugeza: obusanikira bw'eccupa , amayinja, empeke n'ebikoola) era buuza omwanawo ateeke enamba entuufu mu buli saako gye yakubye. Kinno kijja kuyamba omwanawo kiggala okusobola okutabaganya emiwendo , amannya n'obubonero , bala nga wegendereza era oyige ebigambo ebippya mu ngeri y'okuzannya.

## Okuzanya okazannyo

Kozesa eky'okuzanyisa ekigonvu oba ddole era ozanyeyo akazanyo ku mirimu egyabulujjo ng'okezesa ddole. Mukazannyo kano, abaana basobola okuyiga amanya awamu n'obubonero

# Ebikolebwa abaana ba kiggala abakuzeemu era n'abavubuka abasomera awaka

**Okusinziira kumyaka gy'abwe n'emitendera gyebaliko mu masomero, omwanawo kiggala asobola okubeerawo n'ebitabo byebasomeramu naye era ne bwebaba nga tebabirina, basobola okwongera okusomera awaka. Bw'oba ng'osobola okweyambisa omutimbagano ,waliwo emikutu kumitimbagano mingi egisobola okuyamba okuyiga naye kyetaagisa okwegendereza omwana obutasiiba ng'atunudde kumutimbagano olunaku lwonna.Abasomesa bo abali mu kitundu basobola okukuyambako okuzuula emikutu gy'emitimbagano egy'omugaso era osobola okubasaba okukulagirira.**

## Obubonero n'okugeza

Saba omwanawo kiggala akusomeseyo, obubonero osobole okuyiga era otandike okuwuliziganya naye. Kifuule nga kyakuvuganya wakati mu bantu b'awaka okulaba ani asinga okukwata obubonero obusinga obungi, naye jjukira nti okuyiga obubonero bw'ebintu eyo ebeera ntandikwa butandikwa mu kuyiga olulimi lw'obubonero.



## Okukozesa obutabo obusomesebwamu

Singa omwanawo akomawo ewaka ng'alina obutabo bw'essomero, mukubirize okusoma ebitabo. Bayinza okwetaaga obuyambi mu kino .Mulimu eby'okukola ebiragirwa mu butabo, era ng'osobola okubyeyambisa okulambika omwanawo okubigezaako. Kyandibadde kirungi eri abanna okubeerako n'ekitabo webawandika ebidibwamu ebituufu. Fuba nnyo okulaba omulimu omwana gw'akoze mubyogereko era osobola okumuyamba



## Okwetaba mu kusoma ne banyina oba bagandabe abato



Abaana abakuzemu basobola okwetaba mu kusomesa bannabwe abato okusobola okusoma n'okuwandiika awamu n'okubala. Basobola okufunnayo emboozi okusanyusa abato ,okugiwandiika ku lupapula oba mu musenyu. Basobola okukola akazanyo era ne bawandiika amateeka g'akazannyo, era ne basomesa akazannyo kano eri baanabannabwe n'abantu abalala abali awaka.



# Ebikolebwa abaana bakiggala abakuzeemu era n'abavubuka abasomera awaka

## Ebirala by'oyinza okuyiga

Omwanawo kiggala akuzeemu oyinza okumusikiriza okukuyambako ng'awandiika olukalala lw'ebintu ebirina okugulibwa awaka era ne muteesa ne kusente eziba zetagisa okubigula. Kino kiyambako okuyiga okuwandiika wamu n'okubala emiwendo. Oba bwobeera tosobola kuva waka, osobola okuffuna ekisenge n'oteekamu ebiintu ebyenjawulo ne wafaanana ng'omuddaala gw'akatale oba akadduuka nga mulimu ebintu ebitonotono ebitundwa. Omwanawo asobola okwegezaamu ng'a agula ebintu era n'abisasula oba mukiseera kyekimu asobola okubera ng'atunda muduuka n'okukudiza sente eziba zisigadde ku kintu ky'oguze. Munkola eno ey'okugula n'okutunda , omwana asobola okuyiga ebikwatagana ku sente.

Abaana basabe bakubulireyo ku mboozi era bwekiba kisoboka oyinza okugiwandiika ku lupapula. Basobola okukunyumiza ku bifa kusomero ,emizanyo egisinga okubanyumira oba okukubulira ebifa ku muntu gwe bamanyi.Oba bayinza okuwandiika ebirungo ne'biragiro by'emmere eba efumbibwa era nebayamba ne mu kufumba.

Abo aba babakyayiga okuwandiika ,bagambe bakopolole ennukuta n'ebigambo naye gezaako okubayamba okutegeera amakulu g'ebigambo ebyo byebawandiise. Nokolayo obubonero awamu n'okugezesa era bw'oba tobimanyi buuza omwanawo akusomese obubonero bw'abaamanyi,.

## Ensengeka y'aboluganda

Kolera wamu n'omwanawo okusobola okukuba ekifananyi ekiraga abantu ababeera awaka n'engeri buli omu gy'akwatagana mu luganda ne mune.

## Maapu

Kolagana n'omwanawo mukube ekifananyi ekiraga ekitundu kyamwe ,enguudo, ebizimbe, ebisaawe, amaduuka , amasomero nebirala. Ffuba okuteekamu ebintu ebiwera.

Gezaako okuzuula engeri ebimera gyebimeramu , era n'ensigo bwezifuuka ebimera nga bwotunulira ebimuli ebikwetolodde, ensiko, n'emiti egirilanye awaka. Omwanawo mulageyo ekifananyi eky'ekinyumo era mukubaganye ebirowoozo ku ki ekigenda mumaaso mu kifananyi. Mulowooze biki ekibeerawo mu bikujjuko era bibeerawo ddi mu mwaka.

**Okusoma n'omwanawo kiggala kiba kunyuma! N'era teekawo engeri enungi gyemusobola okuwuliziganya mwembi.**